# Basabye KCCA ku kaabuyonjo

Bya ERIA LUYIMBAZI

ABATUUZE b'omu Kimwanyi zooni I mu Katanga e Wandegeya basabye KCCA okubazimbira kaabuyonjo ez'olukale kuba ezirimu tezisobola kuwanirira omuwendo gw'abantu ababeeramu.

Baagambye nti ekitundu kino kirimu kaabuyonjo ez'olukale ntono nnyo ate nga zaakusasulira so nga abatuuze ababeeramu mwe bagenda ate nga amayumba agasinga tegalina kaabuyonjo.

Diriisa Nsimbe nga y'alabirira kaabuyonjo emu ey'olukale mu Kimwanyi zooni yagambye nti kaabuyonjo kw'akola ekozesebwa abantu abali wakati we 450 ne 500 ga basasula 200/- buli muntu okuggyako abaana n'abakadde.

Yagambye nti kabuyonjo eno ekibiina ky'obwannakyewa ekya Concern kye kyabakwasizaako okugizimba wabula nga omuwendo gw'ababagikozesa gweyongedde nga ekitundu kyetaaga kaabuyonjo endala.

Akulira ebyokwerinda mu zooni eno, Fred Isabirye yagambye nti ng'oggyeeko kaabuyonjo, okubeera entono bakyalina ekizibu kya kazambi akulukuta n'aggweera mu mifulejje songa balina abaana abato abayinza okugwamu n'okuzannyira mu bicaafu.

Dr. Sarah Zalwango ku Lwomukaaga yakulembeddemu enteekateeka ya 'Weyonje' mu Katanga n'azuula nti amayumba agasinga tegalina kaabuyonjo nga bonna bagenda mu kabuyonjo ey'olukale nasaba abantu obutapangisa nnyumba zitalina kaabuyonjo.

Yagambye nti mu Kimwanyi zooni abantu okukozesa kaabuyonjo ey'olukale tekisobola kukuuma buyonjo kuba amayumba agamu geesudde akabanga okuva weeri nga omuntu bw'agwamu ekidumusi kimutwalira akaseera okugituukako. Yalabudde bannannyini bizimbe abateeka emidumu ku bizimbe byabwe egifulumya amazzi amacaafu nti byakuggalwa. Yasabye abantu obutasuuula kakasiro mu myala kuba gizibikira amazzi ne gatatambula bulungi.




Dr. Zalwango n'abamu ku bakozi ba KCCA nga ali ku gumu ku midumu egifulumya amazzi amacaafu mu Katanga e Wandegeya.